**P360/3**
**LUGANDA**
LITULICA
**Paper 3**
30 July 2018
**3 hours**

**ENTEBBE JOINT EXAMINATION BUREAU**

**Uganda Advanced Certificate of Education**

LUGANDA

**LITULICA W'OLUGANDA**

OLUPAPULA OLW'OKUSATU

**Ssaawa Ssatu**

**EBIGOBERERWA**

*Olupapula lulimu* Ebitundu *bisatu* **A**, **B** *ne* **C**.

*Mu* Kitundu **A** *londamu ekibuuzo kimu.*

*Mu* Kitundu **B**, *ddamu ebibuuzo* **bibiri (2)** *ekimu kya* ***Puloozi*** *n'ekirala kimu kiggye mu* ***Bitontome.***

*Mu* Kitundu **C** *kolamu ekibuuzo kimu kyokka.*

*Kola ebibuuzo* **bina** *(4) awamu.*

## EKITUNDU A

*Ddamu ekibuuzo* **kimu** *kyokka okuva mu* Kitundu *kino*

**M. B. NSIMBI:** *Bwali Butamanya*

**1.** “. . . . era nkubuulidde n’engeri naye gye yampisaamu nga twakatandika obufumbo bwaffe. Waaliwo n’ebirala ebikulu byenjagala omanye, ebyagaana obufumbo bwaffe okutwesiimisa.”

(i) Ani ayogera ebigambo ebyo era bisimbuddwa mu ssuula ki? *(Obubonero 03)*

(ii) Nnyonnyola ebiragibwa mu lugero ebyagaana obufumbo obwogerwako okuwangaala. *(Obubonero 12)*

(iii) Omuwandiisi ayagala kutuusa bubaka ki eri omusomi okuyita mu bufumbo obwo. *(Obubonero 10)*

**2.** Kusomoozebwa ki omuzadde kw’afuna oluvannyuma lw’okusoma olugero *Bwali Butamanya?* *(Obubonero 25)*

**E. N. K. KAWERE:** *Zinunula Omunaku*

**3.** Obuwanguzi bw’omunyumya w’olugero lwa Kawere buzimbiddwa ku lukisakisa. Kubaganya ebirowoozo ng’owa ebyokulabirako eby’enkukunala okuva mu lugero. *(Obubonero 25)*

**4.** Obutonde bw’ensi bukoze butya ng’ensibuko y’okutunyumiza ebyo bye tusoma mu lugero *Zinunula Omunaku*? *(Obubonero 25)*

## EKITUNDU B

*Mu kitundu kino kolamu ebibuuzo* **bibiri**. *nnamba (5) ya buwaze, ate ekirala okiggye mu Bitontome.*

## PULOOZI

**5.** Soma ekitundu kino oluvannyuma oddemu ebibuuzo ebikikwatako.

### WEEWALE OKULOWOOZA NG’OKOOYE

Omuntu okufunayo akadde ak’okulowooza oba okufumiitiriza ku bintu eby’ensonga kikulu nnyo. Ekirowoozo ekikyusa obulamu emirundi egisinga tekimala gava mu bbanga. Okulowooza kitwale nga effumbiro, gye bateekateekera ebintu okutuukana n'omutindo gw’okugabulwa. Eno ebintu gye by’olezebwa, gye basalirawo ebirungo ebineetaagisa n’ebipimo bya buli kintu. Olwo ekijjulo kigenda okugabulwa

nga teri yeemulugunya ku nnyaanya zaatuŋŋununye oba omunnyo **ogusalirira**. Okumanya ensonga gy'ofumba kikulu, era temala gakolebwa mu buli kifo.

Effumbiro liteekedwa okuba eriyonjo ddala, era nga tewali mbeera etabangula n'okubuzaabuza afumba. Era kino wooteeri n'ebifo ebiriirwamu eby'amaanyi bikitwala nga kya nsonga kubanga kyonna ekifuluma mu ffumbiro kikiikirira erinnya n'ekitiibwa kyabwe. Ne bw'eba kkiraabu,akafo akafumbirwamu kateekebwa wantu awatatuuka **kubuukula** kwa bidongo. Omuntu afumba nga by'afumba bya nsonga teyeetaaga bimubuzaabuza oba ebiwowoggana! Wano nno ŋŋamba ebyo **ebireekaana mu matu ne mu ndowooza ye**. W'afumbira ebirowoozo bye wateekeddwa okuba nga wamwanguyizaako ky'alowooza.

Ekirala omuntu **anaafumba eby'ensonga** ateekeddwa okuba nga tawambiddwa busungu, kweraliikirira, kukyamuukirira oba okutya n'embeera endala yonna eyinza okumulemesa okulaba ebintu mu ngeri entuufu.

Abantu bangi obasanga mu bbaala, ng'azze kunywamu mbu alowooze ku bimutabudde n'omwagalwa we. Enkeera bw'ataba mu kaduukulu aba ajjudde binuubule na **nkufu**; anti olwavudde awo yagudde munne mu malaka! Ab'ekika kino n'abamu **baasibibwa mayisa** lwa kutta.

Nnakizuula nti bangi tebanywa kuwoomerwa, naye kwemalaamala na kutwaliriza birowoozo, oli nga akugambira ddala nga bw'anywa asobole okulowooza obulungi. Naye gye byaggweeranga, eyagendereddde okulowooza obulungi avaawo n'erinnya lye takyasobola kulyatula bulungi. Wano we nnakizuulira nti omuntu anaalowooza eby'ensonga yeetaaga okuba mu **mbeera etebenkedde** era erowooza obulungi, olwo nga ne bwe wayita akabanga aba asobola okujjukira bye yavumbudde mu kadde kali ak'okufumiitiriza, eyabadde atamidde ky'atasobola kukola.

Waliwo ate n'ensonga y'obukoowu. Omuntu yenna omulamu akoowa singa aba aliko by'akoze. Bw'akoowa ateekeddwa okuwummula kiyambe omubiri okwezza obuggya okukakkalabya ebiddako. Abakugu mu by'obulamu bagamba nti singa omuntu akola nga tawummula asobola okumaliriza nga by'akoze byonna aby'onoonye. Eky'ennaku, abasinga obungi ku ffe bwe tumala okukoowa obudde obwandibadde obw'okuwummula ate bwe tukozesa okulowooza ku bintu eby'ensonga. Kati olwo omuntu eyabadde alina okuvaayo n'ekyokuddamu n'amaliriza nga avuddeyo n'akutabulwa. Kyandiba nga toli munafu mu kulowooza, naye nga ekizibu w'olowooleza, na ddi lw'olowooza. Ng'okooye oba nga tonnaba kukoowa?

N'ekisembayo, weemanyiize okuwandiika wansi ebiroowozo byo wamu n'ebyo by'ojje mu kwefumiitiriza kijja kukuyamba obutabyerabira.



Turn Over

**Ebibuuzo**

(i) Bukugu ki obweyolekedde mu kitundu kino *(Obubonero 05)*

(ii) Nnyonnyola ebifaananyi omuwandiisi by'akozesezza okuzimba ky'ayogerako *(Obubonero 06)*

(iii) Obubonero obuli mu kitundu bulina makulu ki? *(Obubonero 06)*

(iv) Biki ebyogeddwa ebitwala abantu mu binywero? *(Obubonero 04)*

(v) Wa amakulu g'ebigambo bino nga bwe bikozeseddwa mu kitundu. *(Obubonero 04)*

(a) ogusalirira
(b) okubuukula
(c) anaafumba eby'ensonga
(d) basibibwa mayisa

## EBITONTOME

**F. M. MASAGAZI :** *Mpaawo Kitakya*

**6.** Soma ekitontome kino oluvannyuma oddemu ebibuuzo.

### EBISEERA EBIJJA

*Olaba bino ebiseera bye tulina bikambwe ate olwo eby'enkya!*
*Abaaliwo luli bakunyumiza nti, baaliko kalekale.*
*Ate naffe twandirowooza tuli kalekale, naye enkya!*
*Buli kimu kikyuka ate kikoma.*

Ebiseera ebijja, biriba bikambwe kufa,
Olyerabira ebya **jjuuzi**, biriba bikadde nnyo,
Abasajja n'abakazi tewaliba akira munne,
Abazadde n'abaana, baligwisanya obwenyi,
Abayizi n'ayigisa enjawulo erinoonywa nnyo,
Omufuzi n'omufuge eddiba liribeera limu!

Ebiseera ebijja, olijulira ebiyise,
Okubuuza **okwaboffe**, kuliba kujooga ate,
Okusaasira mulekwa, teriba mpisa ya nsi,
Okukulisa azadde, nga kikuuno ky'otenda,
Okuziika ne munno, ogwo guliba musango mubi,
Okusikisa omuntu, ezo ziriba nfumo za jjo!

Ebiseera biri ebijja, ensinza erikyuka nnyo,
Amadiini galimeruka ntakera, nga galwanira omudidi
Buli mu nju munnansi, muliba lutikko esinzwa,
Ne Katonda alinyiiga nnyo, n'ayongera okukaabya ensi,
Kuba buliba bujoozi nnyo okwabulira okuteesa kwe,
Ne tudda mu kusinza ensi nga tunoonya omudidi!
Ebyo nno biriva ku ani, tutandiike okubyesooka?
Eby'obufuzi ebiriwo ye kalunsambulira asooka,
Amawanga galinoonya nnyo okufufuggaza amalala,
Buli mufuzi alijja, aliyagala bbuto lye,
Ebifo ebifuzi, **biribooga** muntu omu,
Olwo ensi eriba ekyuka okufa, ng'akasandali kazze.

Ebiseera ebijja obuvunaanyizibwa mu bumu,
Okukoppa kw'otazisa, kulimerusa embeera,
N'ovumagana amagufa, nga bakola kuzimba nsi,
N'okukyayisa ensinza, nga Katonda wo ali omu,
Obuyivu bw'otulaga, bwajja **kumerusa** abaliwo.
Ate obukozesa okudibya n'okulemesa ensi yo!

Ebiseera ebijja, tuliba tulwana kufa,
Enkwe ziritondwa nnyo, okuvumaganya abalala;
Amawanga galisojjagana, okuzimbulula amalala,
Kange kakira kaffe, erifuukira ddala eŋŋombo,
Mwana waani ng'asituka kyere, olw'okunywerera ebintu
Alisumagira amangu, taliwangula nsiitaano!

Tekinologiya atuuse, naye alisomba bibye,
Abantu balinyooma nnyo, enkola za kuno enkadde,
Amasimu ne ttivvi, biribangula abantu,
Okutuuka awantu n'okuweereza obubaka kuliba kuzannya
Okutemula n'okuwonya abantu tekinologiya alibaawo nnyo
Ate nkumu ebiribaawo, **ebitusombeera eminyira**!

Eddembe lino liyimbwa nnyo, lirituzaalira amaziga,
Omwana takubwa nga nte, anti lye ddembe erizze
Ebintu by'awaka beegabanya, kabitwalwe lye ddembe
Amateeka galamul , gayanika anti lye ddembe
Okusinza, toteesa,towulizwa, anti lye ddembe
Okwogera tokugirwa, totanzwa anti lye ddembe!

Kaakati laba, tandika omanye
Buli ky'okola manya, ebiseera ebijja,
Enzikiriza yo, erizaala eminyira
Kaakati soma, weetegekere
Kaakati yiga, luliba luti
Tegeka abato baleme kutomerwa
Ebiseera ebijja, biriba bikambwe kufa.

## EBIBUUZO:

(a) Ebiriwo ensangi zino biraga bitya nti "Ebiseera ebijja" byatuuka dda mu nsi? *(Obubonero 05)*

(b) Entunnunsi eziri mu kitontome zizimbiddwa zitya? *(Obubonero 05)*

(c) Nnyonnyola engeri olukusa lw'omutontomi gye lweyolekedde mu kitontome kino. *(Obubonero 04)*

(d) Nnyonnyola amakulu g'Obubonero obweyambisiddwa mu kitontome. *(Obubonero 06)*

(e) Laga omutontomi ky'ategeeza bw'akozesa ebigambo bino*:* *(Obubonero 05)*

- (i) jjuuzi
- (ii) Okwaboffe
- (iii) kumerusa
- (iv) biribooga
- (v) ebiritusombera eminyira

**7.** Bintu ki eby'enkizo omuwandiisi kw'azimbira ebitontome bye mu kitabo *Mpaawo Kitakya*? *(Obubonero 25)*

**OKOT P'BITEK:** *Omulanga Gwa Lawino*

**8.** Soma ekitontome kino oluvannyuma oddemu ebibuuzo.

EBIGAMBO EBIRI MU KITABO EKITUKULA NZE SIBIMANYI

Tuba tukyesasuza amazina agatuyiseeko
Tugenda okubbulula amaaso
Nga teriri busa
Nga zireese omusomesa wa *Katekiisimu*
Abadde asomesa *"omwoyo ogutukula."*
Yayingira butereevu mu mbuga
Omuzinirwa amazina aga "nyweza munno"
N'omwenge gwe nga gukyamuli ku mutwe -
Ng'ate akutte n'endeku!

Yali tazze kutubuulira kigambo kitukula
Wabula naye yali azze kunoonya bawala!
Abavubuka abaali bazina
Tebaamuganya kubeegattamu;
Bwe yayingira mu lunyiriri lwabwe,
Ne bamusindika eri!
Musajja wattu yaguma n'azina bw'omu,
Nga n'okuyimba ayimba mpolampola,
Kyokka nga ennyimba azimanyi bulungi.
Wabula engeri gye yanyeenyangamu ettwe,
Ffenna yatuwa kabbo ka nseko.

Omusajja ono ssebabi kaggwa ensonyi
Yammalako ebyewungula -
Anti yasembera wendi
N'ankuba akaama,
Eno nga bw'ankwata ku bbeere
N'eŋŋumbagumba z'omukono.
E! Nawulira ennaku n'obusungu,
Nga kw'otadde n'obulumi obw'amaanyi:
Anti omukono gwe gwankulubula ebbeere,
Nga guli nga ogwambe ogutalavvu.
Nakuŋŋaanya amalusu gonna ge nasobola
Ne ngamuwandulira mu maaso,
N'okumusooza ne mmusooza!

Yatandika okunkangakanga -
"Nja kukugoba mu musomo
Gwa ***Katekiisimu***
Ate olabika oli na musiru nnyo
Kubanga osubwa ebirungi
Bye nandikuwadde. "

Nze obusungu
Bwayongera kunkwata
Nange ne mmuddiza ebigambo -
"Toddiranga okunkwatako nnamukadde ggwe,
Eddiba likulinga erya goonya!
Olowooza njagala okuddamu okukuwulira
Bw'owoggana ebigambo naawe by'otategeera?
Ssajja ggwe nta -
Olabika oli na mulwadde wa Kabootongo,
Ani gw'oyagala okugula,
Ggwe atambuza endwadde zi nnamutta?"

Abasomesa bannaddiini bano,
Bonna bafaanagana:
Buli lwe balaba omuwala
Amaaso gaggukira ku mabeere;
N'abapaatiri abatawasa
Bonna ebbanja ly'obutonde
Libakulungutanya;
Ne bannaffe abaagejja embuto
Ne zibalemesa okulaba amakundi gaabwe
Nabo bawulira bulungi
Nga bakutte ku bbeere ly'omuwala,
Ba faaza abawuliriza abejjusa
Nabo bayisa amaaso mu kituli
Ne batunula ku bbeere!

**EBIBUUZO:**

(i) Laga obuyiiya bw'omutontomi obulagiddwa mu kitontome kino. *(Obubonero 08)*

(ii) Ebyogerwako mu kitontome biraga bitya ebiri mu nsi ensangi zino? *(Obubonero 05)*

(iii) Nnyonnyola ebifaananyi ebyeyolekedde mu kitontome kino n'amakulu gaabyo. *(Obubonero 06)*

(iv) Lulimi ki omutontomi lw'akozesezza mu kitontome? *(Obubonero 06)*

**9.** Laga n'ebyokulabirako engeri ebiri mu kitabo *Omulanga gwa Lawino* gye byoleka obuwangwa bw'ensi ekitabo mwe kisaasaanira. *(Obubonero 25)*

## EKITUNDU C

*Mu kitundu kino londamu ekibuuzo* **kimu** *kyokka*

**Wycliffe Kiyingi:** *Lozio bba Ssessiria*

**10.** ". . . . Aa-aa, sinnafunayo era teri ssuubi. Omuntu n'ofaanana oti n'obwavu buno n'oba n'omukazi? Ate sigenda kumufuna kubanga teri ssuubi kugaggawala. Ndi kuno bubeezi nninda lumbe nfe!"

(i) Ebigambo ebyo bisimbuddwa mu kitundu ki eky'omuzannyo era ani abyogera? *(Obubonero 02)*

(ii) Nsonga ki enkulu eziremesa omwogezi okufuna amufumbira? *(Obubonero 10)*

(iii) Omugambibwa akiikiridde bantu ki okusinziira ku bitulagibwa? *(Obubonero 13)*

**11.** Entikko y'omuzannyo ereka obutali bumativu mu balabi n'abasomi b'omuzannyo Lozio bba Ssessiria. Nnyonnyola obutuufu bw'endowooza eno. *(Obubonero 25)*

## ELI NATHAN KYEYUNE: *Bemba Musota*

**12.** Ebitulagibwa mu muzannyo *Bemba Musota* bituteeka ku Bunkenke. Nnyonnyola obunkenke obw'enjawulo mu muzannyo guno. *(Obubonero 25)*

**13.** ". . . . Ekizinga kino si kitono nga bw'okiraba. Naye kirina ekitiibwa kyakyo, era obulombolombo n'ebyobuzaaliranwa ebikikwatako bw'onaaba tobissaamu kitiibwa, naawe ojja kuba nga bisusunku oba birerya . . . ."

(i) Bantu ki aboogerezeganya mu mboozi eyo era bali mu kifo ki? *(Obubonero 03)*

(ii) Nnyonnyola embeera ebeerawo etuusa omwogezi okwogera bigambo ebyo. *(Obubonero 08)*

(iii) Laga eby'obuzaaliranwa eby'enjawulo ebiragibwa mu muzannyo omusimbuddwa ebigambo ebyo. *(Obubonero 14)*



**END**